

DICKSON KULUMBA

Katikkiro Mayiga (mu kkanzu wakati) ne baminisita b'e Mmengo nga baganzika ekimuli ku ssanduuke ya Ssaabalangira.



Kateregga

# Kabaka alonze omukuumi w'entebe ya Ssaabalangira

Bya DICKSON KULUMBA

KABAKA asiimye abadde amyuka wa Ssaabalangira, Fred Sunday Kateregga okukuuma entebe eno okutuusa lw'anaalonda, Ssaabalangira omujjuvu.

Obubaka buno Kabaka yabutisse Katikkiro Charles Peter Mayiga mu kuziika abadde Ssaabalangira Godfrey Musanje ku kyalo Kitegula e Kasawo - Mukono. Katikkiro yasabye Abalangira n'Abambejja okugondera akola nga Ssaabalangira Kateregga kuba kati ye mukama waabwe.

"Ssaabasajja waakutuwa Ssaabalangira gw'anaakwasa omuggo Ssegulirennume," Mayiga bwe yatuusizza obubaka bwa Kabaka.

Yagambye nti mu nnono za Buganda, Kabaka ye yandibadde Ssaabalangira naye olw'okuba abeera agabanye Buganda yonna, ky'ava alonda omu ku Balangira okulung'amya olulyo Olulangira.

Kateregga yeebazizza Kabaka olw'okumuwa obuvunaanyizibwa buno n'atendereza abadde Mukama we nti abadde atambulizika naye emirimu.

Yagambye nti mu mirimu gye bakoze kuliko okugatta Abalangira n'Ebika ssaako obukulembeze bw'Obwakabaka e Mmengo. Minisita omubeezi owa tekinologiya, Joyce Nabbosa Ssebuggwaawo yatenderezza Ssaabalangira Musanje olw'okugunjula abaana b'eggwanga n'asaba abazadde okugunjula obulungi abaana baabwe nga omugenzi bw'akoze. Yayanjudde amabugo ga bukadde 20 ezaaweereddwaayo Gavumenti ya wakati.

Obubaka bw'omukubiriza w'Abataka, Namwama Augustine Kizito Mutumba bwatuusiddwa Katikkiro w'Ekika kya Nakinsige, Noah Ssekirembe n'atendereza Ssaabalangira Musanje olw'okubeera omusaale mu kutumbula ennono za Buganda.

Nnamwandu Margaret Nakimera yeebazizza bonna ababaddewo mu bulamu bwa bba n'abaatindizze olugendo okubeerawo mu kumuwerekera.